Ebbaluwa Ey'Okwagala Okuva Ewa Taata

Okukaaba kw'omutima gwa Taata okuva mu Lubereberye Okutuuka mu Kubikkulirwa.

Mwana wange,

Oyinza okuba nga tommanyi, Naye nze Mmanyi buli kimu ekikukwatako. Zab 139:1 *Mmanyi bwotuula era bwo golokoka.* Zab 139:2 *Mmanyi amagenda go gonna.* Zab 139:3 *N'enviiri zo ezo kumutwe zonna zaabalibwa.* Mat 10:29-31 *Wakolebwa mu kifaananyi kyange.* Lub 1:27 *Era, Mu nze Obeera mulamu, Otambula era Obeerawo.* Bik 17:28 *Kubanga oli Zzadde lyange.* Bik 17:28 *Nakumanya nga tonnabumbibwa.* Yer 1:4-5 *Nakulonda nga nteekateeka okutonda.* Bef 1:11-12 *Era toli nsobi nakatono* Zab 139:15-16 *Ennaku zo zonna zawandiikibwa mu kitabo kyange.* Zab 139:15-16 *Nnasalawo ebiro by'okuzaalibwa kwo, ne wa gyolibeera.* Bik 17:26 *Okukolebwaakwo kwa ntiisa era kwa kitalo.* Zab 139:14 *Nnakubikkako mu lubuto lwa maama wo.* Zab 139:13 *Era nenkujjamu kulunaku lwewazaalibwa.* Zab 71:6 *Emirundi mingi, Nkiikiriddwa abantu abatammanyi.* Yok 8:41-44 *Siri wala naawe, ate siri wabusungu, naye nze kwagala okutuukiridde.* 1 Yok 4:16 *Era kwekwagala kwange okukulaga omukwano omungi.* 1 Yok 3:1 *Kubanga oli Mwaana wange, era nange ndi Kitaawo.* 1 Yok 3:1 *Nze Kitaawo owo muggulu, nkuwa nnyo ebirungi okusinga Kitaawo owo ku Nsi ky'asobola.* Mat 7:11 *Kubanga nze Kitaawo ndi mutuukirivu.* Mat 5:48 *Buli kirabo ekirungi ky'ofuna, kiva mu mukono gwange.* Yak 1:17 *Nze mugabirizi wo era mmanyi byewetaaga byonna.* Mat 6:31-33 *Enteekateeka zange gyooli zijjudde essuubi bulijjo.* Yer 29:11 *Kubanga Nkwagala n'okwagala okutaliggwaawo.* Yer 31:3 *Ebirowoozo byange gyooli, bwemba mbibaze, bisinga omusenyu omuwendo.* Zab 139:17-18 *Era nkusanyukira nokuyimba.* Zef 3:17 *Endagaano yange ey'okukukola obulungi teliggwawo.* Yer 32:40 *Kubanga oli Kintu kyange ekiganzi.* Kuv 19:5 *Weewaawo, sirirema kukusimba mu Nsi n'omutima gwange gwonna, n'Emmeeme yange yonna.* Yer 32:41 *Njagala nkwolese ebintu ebikulu n'ebizibu byotomanyi.* Yer 33:3 *Bwona nnoonyanga n'omutima gwo gwonna ojjakunzuula.* Kyam 4:29 *Sanyukiranga mu nze; Nange naakuwanga okusaba kw'omutima gwo.* Zab 37:4 *Kubanga nze nnakuwa okusaba okwo kwolina.* Baf 2:13 *Era nsobola okukukolera okusinga byonna by'osaba oba by'olowooza.* Bef 3:20 *Nze nsinga okukuzaamu amaanyi.* 2 Bas 2:16-17 *Era Y'enze Taata wo, akubudaabuda mu buli kubonaabona.* 2 Bak 1:3-4 *Bw'obeera n'omutima ogumenyese, nange mbeera kumpi naawe.* Zab 34:18 *Ng'Omusumba bwasitula omwana gw'endiga mu mukono gwe, nange bwentyo nkusitulidde okumpi n'omutima gwange.* Yis 40:11 *Luliba lumu ndisangula buli zziga mu maaso go.* Kub 21:3-4 *Era nditwaala okulumwa ne nnaku byoyiseemu ku Nsi kuno.* Kubb 21:4 *Nze Taata wo, Era nkwagalira ddala nga bwenjagala omwana wange Yesu.* Yok 17:23 *Kubanga mu Yesu, okwagala kwange gyooli kwabikkulwa.* Yok 17:26 *Era nga Oyo, kye Kifaananyi kyange ddala.* Beb1:3 *Yajja, okulagira ddala nti ndikuludda lwo, so si mulabe wo.* Bar 8:31 *Era no kukutegeeza nti, sikubalira byonoono byo.* 2 Bak 5:18-19 *Yesu yaffa, nze naawe tusobole okutabagana.* 2 Bak 5:18-19 *Okuffaakwe, kwalaga, okwagala kwange gyooli okutuukiridde.* 1 Yok 4:10 *Nawaayo buli kyamuwendo, nsobole okufuna okwagala kwo.* Bar 8:32 *Bwokkiriza ekirabo eky'omwana wange Yesu ob'okkirizza nze.* 1Yok 2:23 *Era tewali Kintu kyonna, kirikwawukanya na Kwagala kwange nate.* Bar 8:38-39 *Komawo Eka, nange naateekateeka embaga ennene muggulu.* Luk 15:7 *Mbaddenga Taata, era njakweeyongera okubeera Taata.* Bef 3:14-15 *Ekibuuzo kyange kyeekino. Onobeera omwana wange?* Yok 1:12-13 *Nkulindiridde.* Luk 15:11-32

N'okwagala okungi, Nze Taata wo,

Katonda Ow'eggye

 ©2005Father Heart Communications